# Omuwendo gw'abaana abazaalibwa nga tebatuuse gweraliikirizza abasawo

Bya JOANITA NAKATTE

ABAVUNAANYIZIBWA ku ddwaaliro lya Mukono General Hospital balaze obweraliikirivu olw'omuwendo gw'abaana abazaalibwa nga tebatuuse ogweyongedde ku ddwaaliro lino.

Alivunaanyizibwako, Dr. Geoffrey Kasirye, ategeezezza nti mu mwezi, abaana 200 be bazaalibwa nga tebatuuse. N'agamba nti, baba bateekeddwa okubabikka mu nnasale n'okubassa mu byuma ebibayamba okussa n'okufuna ebbugumu bye yagambye nti, bya kkekwa ku ddwaaliro lyabwe.

Ekizibu ky'abakyala okuzaala abaana abatatuuse, yakitadde ku puleesa mu b'embuto okulinnya, okuzaalira mu bamulerwa, endya embi mu b'embuto, obutanywerwa ddagala mu budde n'abakyala okulwawo okugenda mu ddwaaliro nga balumwa.



Omukungu mu minisitule y'ebyobulamu n'abatwala eddwaaliro lya Mukono nga baweebwa ekizimbe ky'eddwaaliro mu butongole.

## MINISITULE EBADDUUKIRIDDE

Mu kaweefube w'okulwanyisa ekizibu kino, minisitule y'ebyobulamu ng'eri wamu n'ekitongole kya *Save the Children,* badduukiridde eddwaaliro lino n'ekizimbe eky'omulembe omuli ebitanda n'ebyuma eby'omulembe bye bagenda okukozesa okukuuma n'okujjanjaba abaana bano okutuusa nga bateredde, olwo baweebwe abazadde baabwe.

Kasirye yategeezezza nti, ekifo kye babadde nakyo kibadde kifunda nnyo nga bawalirizibwa n'okugatta abaana nga bana ku kitanda kimu, ekiteeka obulamu bwabwe mu katyabaga.

"Ekifo kye tufunye kisuza abaana 35 era tusuubira nti kigenda kutuyamba okuwa abaana baffe obujjanjabi obusaanidde. Yagambye nti, ku ddwaaliro ekkulu e Kawempe, babadde baweerezaayo abaana munaana olunaku ab'okubikka mu byuma olwo bo ne basigaza nga bataano kubanga babadde n'ebitanda musanvu byokka. Yagambye nti, abaana abamu babadde bafiira mu kkubo nga babaddusa e Kawempe.

N'agattako nti, bakyetaaga obuyambi obw'ebyuma ebirala ebinaababsobozesa okubikka abaana abasoba mu 100 n'omusobyo. Yakubidde minisitule y'ebyobulamu omulanga okubongera abasawo basobole okutuusa empeereza ennungi ku balwadde ate mu budde.

Racheal Hopkins omu ku bali mu kitongole kya *Save the Children*, yasuubizza okukolagana ne Gavumenti okudduukirira amalwaliro amalala. Betty Oderu avunaanyizibwa ku ddwaaliro lino, yasabye ab'embuto okufaayo ku bulamu bwabwe okuziyiza embeera y'okuzaala abaana abatatuuse.